## EBITONDE BYA MUKAMA KATONDA

### *OLUBEREBERYE 1:2-25*

**Vs 2-5** Ensi enjereere era atabuddwatabuddwa tetuyinza kugifumiitiriza era ne tugitegeerera ddala.

Naye tulowooza ku nsi etalina kitangaala ejjudde ekizikiza, etaalimu kintu kyonna.

Naye mumbeera ey'okutabulwatabulwa Katonda n'ayogera ekigambo newabaawo ekitangaala.

Tetumanyi kitangaala kino gyekyali kisibuka kubanga ebyaka nga enjuba n'omwezi byatondebwa mu lunyiriri olw'e 14.

Katonda ayawula ekibi ku kirungi ate n'atakoma awo naaba n'obuyinza okutonda ekirungi ne mubeerawo kw'ekibi.

Bwetugerageranya ensi etabuddwatabuddwa tutunuulira obulamu bwaffe nga tebunnafuna Kristo; nga bwakubikukujju era nga bujjudde buli kazambi n'ebikolwa eby'ekizikiza.

Naye olw'ekisa kye Katonda twakyusibwa era nga tuli baakitangaala.

**Abeeffeso 2:1-6**

**Vs 6-8** Enkola y'ebbanga eyeewunyisa; eyawuddwa bulungi nga okuvaayo kw'enjuba, omwezi, n'okwetondeka kw'emunyenye byoleka obukulu bwa Katonda.

Vs **9-13** Okutondebwa kw'ennyanja wamu n'ensi era n'ebibeera munsi byonna tubiraba mu kitundu kino.

Katonda alagira ensi okuleeta emiti egizaala ensigo mu ngeri yaagyo era gibale ebibala mungeri yaagyo.

Mukama yatonda ensi naye naatakoma ku kugitonda wabula naagiwa ebibala, ebimera, emiti okugyetondeka era buli kimu kibale ebibala okusinziira ku kikula kyakyo.

Naffe tulina okubala ebibala okusinziira ku kikula kyaffe. Era nga ekikula kyaffe abantu ky’ekifananyi n’ekikula kya Katonda.

Emiti n'ebimera byoleka okubeerawo kwa Katonda n'ekitiibwa kye; naye abantu twoleka ebyo wamu n'okulaga ekikula kye, engeri ye, n'ekifaananyi kye.

Tumanye nti Katonda akyawa obulamu obutaliiko bibala.

**Vs 14-19** Katonda yatonda ebyaka mu bbanga ly'eggulu era nga mubino mwetulabira ebiro gamba nga emisana n'ekiro, ennaku, wamu n'emyaka.

Ebyo tebivanga kukigendererwa kyabyo era bibala nga bikola okuva lwebyatondebwa n'okutuusa essaawa ya leero. Bino bitwoleka obukuly bwa Katonda nti tebyetaaga kujjuzibwa n'amanyi ga kintu kyonna naye byeyimirizaawo nga bigondera ekyo ekyabiragirwa.

**Vs 20-25** Katonda yeyatonda ebitonde ebisinga obunene era wamu n'ebisinga obutono.

Engeri gyeyatonda mu ekikula ky'enkukunyi n'ekyenjovu byonna byoleka obunene n'amanyi ge.

***Ebikulu mu bye tulaba mu nnyiriri zino***

- Katonda yekka yaalina obusobozi obutonda ebintu eby'enjawulo mulunaku olumu ate ne biba birungi. Era tumulaba ng'asiima emirimu gye egy'olunaku olumu.
- Katonda asuubiza era ayogera nti kibe bwekityo era nekiba. Kino tukiraba mu ngeri gy'agamba “wabeewo” era byalagidde ne bibaawo.

  Tufunira mu okukkiriza nti buli kye yayogera alina obusobozi okukituukiriza.

- Katonda yekka y'atalina mitendera mu bitonde bye ( ***God has no models; new model, old model***). Omuntu akola naazuula nti yeetaaga okumenya ky'akoze atereeze mu oba okukola yo ekisinga kw'ekyo ekyasooka.

Naye Katonda bye yatonda byasiimibwa okuva ku lubereryeye era nga alinze okuleeta ebipya nga bwe tulaba mu ***Okubikkulirwa 21:1***

Ekibuuzo kiri nti bino byonna kiki ekyabimutondesa?

Yabitonda okumusinza, okwoleka ekitiibwa kye n'okumusanyusa.

***Isaaya 40:12-18***